# In Loving Memory.

A SERVICE
TO CELEBRATE THE LIFE OF



MAAMA
# NAKKU ALICE
1939 - 2026

# OKUJAGUZA OBULAMU N'OKUSIIBULA OW'OLUGANDA MAAMA NAKKU ALICE

1939 – 2026

*(Ebyafaayo).*

**LIFE HISTORY OF THE LATE ALICE NAKKU**

Sunrise: 06th June 1939
Sunset: 29th May 2026

Alice Nakku was born on 06th June 1939 to the late Semyoni Baali Musoke and the late Gayita Bukirwa.
She was blessed with several siblings, namely Joyce Namukasa (Late), Nasali Norah (Late), Nalongo Ntabade Edisa (Late), Nanteza (Late), and Alikisa Nakazi.

Alice was a devoted mother to ten children:

- Sem C.K. Semakula
- Vincent Tebajanga (Late)
- Muganzi Charles (Late)
- Ruth Namatovu (Late)
- Matovu Joseph
- Sseguya Michael
- Namato Joyce (Late)
- Patrick Ddiba
- Nantege Mai
- Kirabila Mate Paul (Azziz)

She was also blessed with a large family of over sixty-nine grandchildren and many great-grandchildren.
During her lifetime, Alice spent part of her life abroad with her family. In 2003, she travelled to Barking, United Kingdom, where she stayed for about one year. She returned to Barking again in 2007 and lived there for five years.

In 2012, she moved to Boston, USA, where she spent ten years before returning to Uganda.
In 2022, she suffered a stroke which affected her health. She remained under the care and support of her family until the Lord called her home on 29th May 2026.
Alice will be remembered for her love, strength, and dedication to her family. Her legacy lives on through her children, grandchildren, relatives, and friends.
May her soul rest in eternal peace.

# ENTEKATEEKA Y'OKUSIINZA

## 1. OKUYINGIRA

267 (241) *"Yakobo...n'addira ejjinja lye yeezizise wansi w'omutwe gwe, n'alisimba okuba empagi...n'atuuma ekifo ekyo erinnya lyakyo Beseri"- Lub. 28:18, 19.*

1. KATONDA onsembeze
   Kumpi naawe,
   Ne bwe ndikwatibwa
   Obuyinike.
   Neeyongerenga era
   Okusemberera
   Okumpi naawe.

2. Obudde obw'obulamu
   Buwungeera:
   So siraba n'omu
   Anambeera,
   Nga nkwegayirira
   Olw'ekyo, sembera
   Okumpi nange.

3. Kale okwolesebwa
   Kuve eri ggwe; Era
   awalinnyibwa
   Walabike.
   Nga bamalayika
   Bampenyezza okujja
   Okumpi naawe.

4. Kyenva nsanyukira
Ekisa kyo,
Kubanga owulira
Omuddu wo.
Katonda tondeka,
Nga mbulubuutira
Ewala naawe.

5. Edda ndiyingira
Wa Kitange;
Nga nkomekkereza
Ennendo zange.
Ekirinsanyusa
Yesu, kubeerera
Awamu naawe.

## 2. EBY'OKUSABA EBISOOKA

(Olupapula 267 mu kitabo eky'okusaba)

1. Nze kuzuukira n'obulamu: akkiriza nze newankubadde ng'afudde aliba mulamu: nabuli mulamu akkiriza nze talifa emirembe n'emirembe
Yok. 11:25-26. Tim 6:7

2. Mmanyi nga omununuzi wange aba mulamu era
Nga aliyimirira ku nsi enkomerewo: era eddiba lyo'omubiri gwange bwe lirimala okuzikiribwa bwe lityo naye mu mubiri gwange ndiraba katonda: gwe ndiraba nze mwena n'amaaso gange galimutunuulira, so si mulala Yobu 19:25-27

3. Tetwaleeta kintu kunsi kubanga era tetuyinza
kugyamu kintu. Mukama ye yawa era Mukama y'agyeewo erinnya lya Mukama lyebazibwe. 1Tim 6:7

# 4. ZABBULI 39

Nayogera nti Neekuumanga amakubo gange,
Nnemenga okwonoonya olulimi lwange: Naasibanga
akamwa kange n'olukoba, Omubi ng'ali mu maaso
gange.
2 Nasiruwala obutayogera, nasirika,
newakubadde ebirungi saabyogera; Okunakuwala
kwange ne kweyongera.
3 Omutima gwange ne gwaka munda yange; Bwe
nnali ndowooza, omuliro ne gukoleera: Ne ndyoka
njogera n'olulimi lwange:
4 Mukama, ontegeeze enkomerero yange,
N'ekigera eky'ennaku zange bwe kiri; Ntegeere
bwe ndi omumenyefu.
5 Laba, ennaku zange wazikola ng'enta; N'obulamu
bwange buli nga si kintu gy'oli: Mazima, buli
muntu, bw'anywerera ddala, mukka bukka. (Seera)
6 Mazima buli muntu atambula mu kifaananyi
ekitaliimu. Mazima, beeraliikiririra bwereere:
Akuuma obugagga, so tamanya agenda okubutwala.
7 Ne kaakano, Mukama, nnindirira ki? Mu ggwe
mwe nnina essuubi.
8 Onziye mu byonoono byange byonna;
Tonfuula kivume kya basirusiru.
9 Nasiruwala, saayasamya kamwa kange;
Kubanga wakikola.
10 Onzigyeko omuggo gwo: Mmaliddwamu
amaanyi olw'okukuba kw'omukono gwo.
11 Bw'obuulириranga omuntu n'okunenya
olw'obutali butuukirivu, Omumaliramu ddala
obulungi bwe, ng'ennyenje: Mazima, buli muntu
mukka. (Seera) 12 Wulira okusaba kwange, ai

Mukama, okkirize
okukaaba kwange; Tosirikira maziga gange: Kubanga nze ndi mugenyi gy'oli, Omutambuze, nga bajjajja bange bonna bwe baali.

13 Onsaasire, ndyoke nziremu amaanyi, Nga sinnava muno ne ssibeerawo.

## 5. EKITUNDU (ii) - *(By the presiding priest)*

## OLUYIMBA:

307 (251) *"Mwagulibwa na muwendo"- 1 Kol. 6:20*

1. YESU, sikyali ku bwange,
Nze ndi muddu wo buddu;
Nali mu nsi ya Ssetaani
N'ojja n'oginziyamu.
*Muddu wo, muddu wo:*
*Yesu, nze ndi muddu*
*wo.*

2. Obulamu bwange bwonna
Mpaayo mu mikono gyo;
Ggwe olinkuuma n'okutuusa
Olintuusa ewuwo.
*Muddu wo, muddu wo:*
*Yesu, nze ndi muddu*
*wo.*

3. Era mpaayo ensimbi zange
N'ebintu byange byonna;
N'ekitiibwa n'emikwano,
Leero byonna mbiwa ggwe.
*Muddu wo, muddu wo:*
*Yesu, nze ndi muddu wo.*

4. Omubiri gwange gwonna,
Ebigere n'engalo;
N'amagezi gange gonna,
Byonna byonna bye bibyo.
*Muddu wo, muddu wo:*
*Yesu, nze ndi muddu wo.*

5. Nsanyuse, Yesu andeeta
Mu ggye ly'abatukuvu; Be
baweereza Katonda,
Be batuuka mu ggulu.
*Muddu wo, muddu wo:*
*Yesu, nze ndi muddu wo.*

# OKUGANZIKA EBIMULI (MC)

343 (145) *"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we"- Yok. 3:16*

1. NSANYUKIRA ekigambo kino
Yesu Mukama atwagala nnyo:
Alina bingi ebisanyusa;
Naye ekisinga nti Nze kwagala.
*Anjagala, anjagala;*
*Nga kitalo (o)kunjagala!*

*Anjagala olw'ekisa kye, nange era mmwagala.*
(Bino biyimbibwe Singa eddoboozi ery'okubiri likozesebwa)

2. Bwe mba nnyonoona ne mmwerabira,
   Yesu tandeka kubula ddala:
   Ampita mangu okwumweyuna ye;
   Era anjijukiza okwagala kwe;
   *Anjagala, anjagala,* (n'ebirala).

3. Bwe nditunuulira ekitiibwa kyo,
   Ndiyimba ntya, bwe siyimba bwe ntyo?
   Nnyimba emirembe n'emirembe,
   Yesu kiki ekyakunjagaza nze?

   *Anjagala, anjagala,* (n'ebirala).

4. Anjagala, nange mmwagala ye:
   Yakka mu nsi olw'okwagala kwe;
   Okwagala kwamuleeta ku muti;
   Yesu atwagala ffe bwagazi.
   *Anjagala, anjagala,* (n'ebirala).

# SONG 2

(IT IS WELL WITH MY SOUL)
*(Congregation sings together)*

## 6. OKWANIRIZA OMUBUULIZI

## 7. OBUBAKA OBW'OKUSAASIRA (Aboogezi)

## OLUYIMBA

229 (188) *"Tutambula okugenda mu kifo Mukama kye yayogerako"- Kubal. 10:29*

1. WALIWO ensi esinga
eno, Nga nnungi! Nga
nnungi! Tetuukayo kibi
kyonna,
Ensi eyo, nga nnungi!
Tulikuba ennanga empya,
Wamu ne bamalayika,
Ennanga zaabwe za zaabu:
Ensi eyo, nga nnungi!

2. Mbu teri bire ku ggulu,
Ensi eyo, nga nnungi!
Teri nnaku na kukaaba,
Ensi eyo, nga nnungi!
Banywa mu luzzi olw'ekisa
Ne balaba Omukolozi
Amaaso ge gwe musana;
Ensi eyo, nga nnungi!

3. Newankubadde nga fenna
Tujjudde ekibi,
Naye Yesu yakkiriza
Okufa, ku lwaffe!
Tulitukuzibwa fenna
Olw'omusaayi gwa Yesu,
Tulifuga wamu naye,
Mu nsi eyo ennungi.

# 8. OKUBUULIRA

# 9. ENZIKIRIZA Y'ABATUME

Nzikiriza Katonda Kitaffe ayinza byonna, Omutonzi wegulu nensi; ne Yesu Kristo Omwana we omu Yekka Mukama waffe, eyazaalibwa omuwala atamanyi musajja Malyamu, eyali olubuto olw'Omwoyo omutukuvu; Nabonyaabonyezebwa ku mirembe gya Pontiyo Pirato, n'akomererwa ku Musalaba, n'afa, nazikibwa, n'akka emagombe mu bafu; olunaku olw'okusatu n'azukira mu bafu, nagenda mu gulu' atudde ku mukono ogwa Katonda Kitaffe Ayinza-byonna, naye alivaayo okukomawo Okusala omusango gw'abalamu n'abafu. Nzikiriza Omwoyo Omutukuvu, n'ekkanisa entukuvu ey'abantu bonna era ebuna

# 10. OKUSABA OKUSEMBAYO N'OMUKISA

## OLUYIMBA:

*Ffenna nga tuyimiridde okumusiibula 402*

# 11. OKUFULUMA NG'ABAWEEREZA BAKULEMBEDDE

318 (269) *"Tutambula okugenda mu kifo Mukama kye yayogerako"- Kubal. 10:29*

1. MMWE mugenda wa bannange
Be ndaba ng'abayise?
Ffe tukutte nno olugendo,
Lwe yalagira Yesu.
Olugendo nno luwanvu,
Ffe tugenda ku kibuga: Ffe tugenda ku kibuga: *Mu nsi eyo esinga ennyo.*

2. *Mutugambe kye mwetaaga,*
*Mu nsi eyo ennungi ennyo:*
*Ebirungi n'ekitiibwa,*
*By'alituwa Mukama.*
*Tulituula ne Katonda*
*Tuliraba Omulokozi;*
*Tuliraba Omulokozi;*
*Mu nsi eyo esinga ennyo.*


3. Abayise mutugaanye
Okugendayo nammwe?
Mujje mangu mwanguweeko
Mugenda naffe mwenna.
Mujje nno temutuvaako,
Alibaaniriza Yesu;
Alibaaniriza Yesu;
*Mu nsi eyo esinga ennyo.*

# OKWEBAZA

**Twebaza Katonda olw'obulamu bwa
Alice Nakku n'emirimu emirungi
g'yamukozeseza, twebaza abazadde, ab'oluganda,
n'abemikwano, olw'omukwano n'olwobuwagizi bwe
mutulaze nga tufiiridwa Alice Nakku,
Mukama abaddizewo mu bungi.**












**MILES FUNERAL SERVICES,**
Gomotoka Road, Kabuusu ,
Rubaga Division, Kampala
+256(0)701 484 536
+256(0)774 655 144
+256(0)701 484 350